

## CBM Uganda

### OBULAMU BW'OMUGOBEREZI WA KRISTO

Bwonomala okusoma akatabo kano onoba nga omaze okufuna okudiibwamu ebibuzo bino wansi:

1. Abagoberezi ba Kristo abasooka bakiririzanga muki?
2. Okuwenenya kye ki?
3. Okubatizibwa kw'omugoberezi wa Kristo kwe kuliwa?
4. Omugoberezi wa Kristo yandisanye kweyisa atya?
5. Omugoberezi wa Kristo yandifananye atya munsu?
6. Omugoberezi wa Kristo kimugwannidde okuba ow'enjawulo?
7. Migaso ki egyiri mukubera omugoberezi wa Kristo?

Omutume Yokaana yagamba nti: na kino kye kiragiro kya Katonda: "kukiriza erinya ly'omwaana we Kristo Yesu, era twagalanenga" (1 Yokaana 3:23). Ekiragira kino kilimu ebintu bibiri by'otasobola kwawukanyamu. Obulamu bw'omugoberezi wa Kristo busibide ku bintu bibiri ku kiriza n'okukola.

#### 1. ABAGOBEREZI BA KRISTO ABASOKA BAKIRIRIZANGA MUKI?

Bakirize nti Yesu Kristo:

- a) Yali mwaana wa Katonda (Yokaana 5:19-23).
- b) Yaja munsu okulokola ababi (1 Timoseewo 1:15).
- c) Yafa era n'azukira nate (Ebik. 2: 29-32).

Amanguddala : Yesu :

- d) Alida ku nsi (Ebik. 1:11).
- e) Okuzukiza abafu (Yokaana 6: 39,40).
- f) Okusala emisango eri abo abamutegeera Katonda (Ebikotwa 17: 30,31).
- g) Okuwa abo abaliba bamugoberede obulungi obulamu obw'emirembe n'emirembe (Kub. 2: 10).
- h) Okutekewo obwakabaka bwa Katonda ku nsi (Lukka 1: 32).

Bino bye bimu kunzikiriza abayigiriza ba Yesu gyebalinayo era Kristo gye yasomesanga ate era n'abatume be. Lwaki twandibade n'enzikiriza endala ffe ab'omulembe guno? Ensomesa eno yafe abagoberezi ba Kristo okugikwatanga.

#### 2. OKWENENYA KYE KI?

Bangi ku Bayudaya abali nga baganyi Yesu bagenda okukilaba nti bali bakoze ensobi enene nyo. "Balumwa emitima" era ne babuza nti, "Tunaakola tutya? Peetero nabadamu nti, Mwenenye, mubatizibwe" (Ebik. 2: 37, 38).

Mungeri yemu kino kijjira abo bona abagala okugoberera Yesu. Tulina okwenenya (okukyuusa endowooza zaffe) era n'okuteegera nti:

- a) Awatali kukiriza mu Yesu, okufa kwe kuliba enkomerero;
  - b) Tusobola okusonyiibwa ebibi byafe olw'okubera obungovu bwa Yesu eri enkola ya kitaawe;
  - c) Bwetuda eri Yesu nga tubatizibwa olw'okutusonyiyisa ebibi byafe - obujjemu eri amateeka ga Katonda - netumugoberera engeri ye, tusobola okufuna obulamu obutagwaawo.
- Nga kyamukisa eri abo abenenya!

#### 3. OKUBATIZIBWA KW'OMUGOBEREZI WA KRISTO KWEKULIWA?

Okubatiza kwekunyika omuntu yena mumazzi era nga omuntu oyo mukulu ekimala okuba nti yesalirawo yeka okugoberera Yesu Kristo. Mukikolwa kino tunazibwako ebibi byafe ne tutandiika obulamu obupya mu "Yesu Kristo". Waliwo akatabo akalala nga kano, akayitibwa "okubatizibwa ki kyekutegeza n'amakulu gakwo" kogera nyo kukino.

#### 4. OMUGOBEREZI WA KRISTO YANDISANYE KWEYISA ATYA?

Esomo lino kulu nyo. Nawakubade nga tusonyiirwa ddala n'ekisa kya Katonda, abogoberezi ba Kristo bona balina okulaga okukiriza kwabwe n'ebikolwa (Yakobo 2:17). Naye bikolwa ki? Ebyo byoka ebyasigamiza kundowooza ya Kristo. Nga bituyamba okukola obulungi eri abantu bona naye okusingira dala eri abo abakiriza banafe (Bagalatiya 6: 10).

Tulina okubera abasomesebwa, kubanga ekigambo "Muyigirizwa" kitegeza nti "omusomi". Paulo yagamba nti, "Mumagezi mubeerenga bakulu" (1 Abakolinso 14: 20); nga mufuna okukiriza ng'okwa abaana abato mukusubira ebyasubizibwa Katonda.

Omulimu gwafe kwe kukula nga tuva mu ndowooza zafe ezabulijjo (ez'obuntu) nga tuda kundowooza ey'omwooyo mungeri ya Katonda. Tuba tufuna okuyambibwa bwetuleka "ekigambo kya Kristo ekubeera mufu na magezi n'obugagga" (Abakolosayi 3:16). Bulilunaku netuberenga tusaba era nga tusoma ekigambo kye Katonda.

Tuliweebwa omukisa bwetuba nga: tuli batefu, bakisa, batufu mu mwooyo, abatabaganya, era bwetuba nga tulumwa enjala n'enyonta eby'obutukurivu. Tulina okuba "omunno gw'ensi" era "ekitangala ky'ensi" (Matayo 5:5-14).

Mubikolwabyafe tulina: okugabanya kubukiriza bwafe n'abo abagala okuwulira okwagala abalabe bafe, okusonyiwagananga, n'obuteralikiriranga mu bulamu bwafe.

Nga Yesu tube nempisa enungi enyo. N'olwekyo nga tetuba bawereza babami babiri - Katonda ne mamoni. Ebisera byona omukristo atekwa, "okunoonya obwakabaka bwa Katonda n'obutukurivo bwe" (Matayo 6:33). Bwetutukiriza ebiragiro bya Katonda bino, "tulibala ebibala bingi nyo", tubeere abayigirizwa ba Yesu (Yokaana 15: 8).

Bino by'ebintu ebikulu abakristo bye bayitibwa okukola. Emirundi emilala tuyinza okukyama, kubanga tukyali abantu abanafu. Naye twebaze mukama olw'okuba nti bwetwoonona, omutabaganya wafe Yesu ategeera obunafu bwafe. Kubanga "mubuli engeri yakemebwa nga ffe, naye natayonoona" (Bebulanya 4: 15).

Katonda asonyiwa abo bonna abeneyanya mubutufu ebibi bya bwe era abagezako nate okukola obulungi. Tutekeddwa okukola tutyo, kubanga tuli bagoberezi ba Yesu Kristo.

#### 5. OMUGOBEREZI WA KRISTO YANDIFANANYE ATYA MUNSI MUNO?

Essala ya Yesu eri abayigirizwa be yali nti baleme okugyibwa munsi, naye okuba nti bakumiibwa obutakola ubi (Yokaana 17: 15). Obulamu bw'omugoberezi wa Kristo bwa "munsi" muno; ekitegeza nti, munkola etegekedwa okusenziira kundwooza ya bantu.

Bwe kiba nga kisoboka omugoberezi wa Kristo yandisanye okweyisanga bwati:-

(a) Okutabagananga n'abantu bonna (Abarumi 12: 18);

(b) Okuwa era okuwuliira abo bonna abali mubuyinza

(Titos 3:1; 1 Petero 2: 13-17);

(c) Okusasulanga bonna amabanja gaabwe (Abaruumi 13: 7).

Okujjaako bwaba nga asabiddwa okukoola ekyo kyona ekyikotagana n'amateeka ga Katonda, awo alina okusalawo okugondeera Katonda okusinga abantu (Bik. 4: 19, 20; 5: 28,29). N'olwe, nsonga eyo aba Kristo tebandyetabye mubyabafuzi, kubanga Kristo ye Kabaka wabwe omutufu Yeeka gwebalindiirira. "Oyo owawagulu enyo afugira mu bwakabaka bwa bantu" (Danyeri 4: 32). Olunaku lugya "obwakabaka bwensi eno lwebulifuuka obwa mukama ne Yesu Kristo, era alifuga emirembe n'emirembe" (Kobi Kolirwa 11: 15).

Yesu teyakiriza Petero kumutaasa na kiso. Yesu yagamba nti: "Abo abasitula ekitala era balifa na kitala". Kubanga aba Kristo basabibwa okuba n'emirembe tebasobola kulwanagana n'abantu.

Balindiirira okugya kw'omulungira ow'emirembe" okuva muggulu.

#### 6. OMUGOBEREZI WA KRISTO KIMUGWANIDDE OKUBA OWE NJAWULO?

Yee, owe njawulo enyo kubatuzze abalaba munsi. Omugoberezi wa Kristo alina okufugwa ebikoolwa eby'omwooyo, era nga abitambuliiramu wonna wabeera. Yesu yayigiriza nti: "Kubanga omulyango mufunda n'ekubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono" (Matayo 7: 14).

Bwetuba nga twagala okuba abayigirizwa be, tukyawe ebikolwa byafe ebibi. Abantu bangi bagala nyo okwekolera ebyaabwe. Naye kyoka engeri eno teyolesa bulamu bwa Yesu, oyo "eyatufirira, ...tusobole okuberanga naye" (1 Abessolonika 5: 10).

#### 7. MIGASO KI EGYIRI MUKUBEERA OMUGOBEREZI WA KRISTO?

Gyiri emigaso gyamirundi ebiri. Okutya Katonda kulina ekisubizo eky'obulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja" (1 Timoseewo 4: 8). Aba Kristo kati basanyukira mukwagala kwa Katonda olw'okubawa Yesu okubafiriira ebibi byabwe. Balina edembe mu mitima gyabwe kubanga Yesu yagamba nti: "Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abaazitowereddwa, nange nnabawummuza" (Matayo 11: 28).

Eri aba Kristo, obulamu obw'omumaaso bulina enssanyu eritagambika. Balindiirira okukomaawo kwa Yesu kungsi "okuleeta emirembe eri amawanga" (Zekkaliya 9: 10).

Aligabira obulamu obw'oluberera eri abo abagoberezi be abeesigwa, bwalidda okufuga enyumba ya Yakobo emirembe n'emirembe so obwakabaka bwe tebuliggwaawo" (Lukka 1: 33).

Obulamu bwo obwa kakano obulina mu esuubi? Ebiwoozza byo birina emirembe? Suubi ki ly'olina ery'omumaaso obanga si lye etya Yesu Kristo? Yesu yeka yagaba obulamu obutaggwaawo nga ekirabo ekya Katonda eri abo abakoola obulungi.

Beera n'okwagala okugoberera Yesu kati, okukiriza byasomesa, okwenenya n'okubatizibwa.

Ng'omwaana wa Katonda, ojja kuba wuwe, era: "baliba bange, bw'ayogera mukama w'eggye, ku lunaku lwe ndikolerako baliba kintu kya nvuma" (Malaki 3: 17).